| Essomo 7 | الدرس السابع |
|---|---|

# Omuliro nebibonelezo byagwo

Agamba Allah nti ***"Mutye omuliro ogwo ogwakumwa nga enku zagwo bantu namayinja gwatekebwatekebwa eri abo abakafiiri"***

Era nagamba omubaka saw mu hadith eyawandikwa Imam Bukhar ne musilimu nti.

Agamba (SAW) eri baswahababe nti omuliro gwamwe guno gwakuma omwaana wa adam kitundu butundu kukwokya kwa jahannama, nebamugamba nti nebwegwadibadde guno gwokka gwandibadde gumala bumazi okuboneleza omuntu namatila, owange omubaka wa allah. Ngamba ogwenkomelero gwasukkulumizibwa kuguno ebitundu kyenda mumukaaga naye nga gwonna gwokya ngogwo.
Era omuliro guyina emitendela musanvu gyewandiyise amadaala naye gano go gakka wansi songa yo ejjana alinya oyambuka waggulu nga namadaala gano buli limu liyina ebibonelezo ebisinga ebyalinnalyo. Era buli ddala liyina abantu baalyo okusinziila kumilimo gyabwe. Songa bbo abannanfusi bebagenda okubeera muddaala elisembayo wansi mumuliro era nga lyelisinza ebibonelezo, era ebibonelezo byabantu bomumuliro byalubeelela tebisalako omuntu buli lwalisiliila nagwawo agenda kuddizibwawo abeere nga afunila ddala ebibonelezo nga Allaha bwagamba musurat Nisai 5٦.

Agamba Allah nti ***"Buli eddiba lweliligwa kumubili nga lisilidde tugenda kumukyusizamu eddiba eddala alyoke akombele ddala ebibolezo".***
Era agamba Allah musuratu Fatwir aya 36

Agamba Allah nti: ***"Naabo abaajema bayina omuliro jahannam tebagenda kusalibwawo gyebali nti bafe atenga tebagenda kukendezebwa kubo kubibonelezo byagwo bwetutyo bwetusasula buli muwakanyi omukafiiri".***
Era bagenda kubeeramu nga bakaligibwa nga ensingo zabwe zisibidwa, era nga bwagamba Allah musuratu Ibrahim aya 49 egamba.

Agamba nti "***Agenda kulaba aboononyi olunaku olwo nga bakoligiddwa kunjegele, nengoye zabwe zijakuba zamumuliro nga amaaso gabwe ebyenyi byabwe bibikidwa omuliro"***.
Era n'emmere yabwe egenda kubeera zaqquumi kibala ekikaawa enyo nga bwagamba Allah musuratu Dukhan aya 43-48.

Agamba nti Allah nti: ***Mazima omuti zaqqumu mmere yabantu abajeemu egenda kubeera mumbuto zabwe nga ekyuma ekisanuusidwa nga kili mulubuto, nga galinga amazzi agolweje ageselela mumuntu".***
Era ekyongela okunyonyola obuzito bwebibonelezo byomumuliro ate nobuzito byebwengera byomujana ye hadith eyawandikwa Imam musilim

Agamba Nabbi swalla Llahu alaihi wasallama nti, ***"Agenda kuleetebwa omuntu eyasinga okuwangaalira mu byengera kuno ku nsi mu bantu b'omumuliro olunaku lw'enkomerero, annyikibwe mu muliro olunnyika lumu oluvannyuma bamubuuze nti: owange mutabani wa Adam! Wali olabye ku kalungi konna oba wali olabye ku byengera byonna? Agenda kugamba nti nedda, mazima Katonda wange sifunangako. Oluvannyuma baleete omuntu eyasinga okubeera mu bizibu ku nsi mu bantu b'omujjana annyikibwe olunnyikibwa lumu mu jjana, oluvannyuma bamubuuze nti, abaffe wali olabye obuzibu bwonna? Agenda kugamba nti nedda, ndayira Allah omulezi wange sifunangako buzibu bwonna".***

Kino kiraga nti omukaafiiri agenda kwerabira ebirungi byonna bye yali afunye ku nsi, ate n'omukkiriza yeerabire ebizibu byonna bye yali afunye ku nsi. Olw'okunnyikibwa kwe bagenda okunnyikibwa mu muliro ne mu Jjana ebyo bagenda kubyerabira.